## BABAKUTTE LWA KUNYWA NJAGA

ABAVUBUKA bana abagambibwa okunywera enjaga waggulu ku kizimbe e Busega, poliisi e Nateete ebakutte. Bano kuliko Shafik Kasozi, Godwin Nasasira, Mike Talemwa ne Wilson Nabasa. Kigambibwa nti, babasanze n'emisokoto gy'enjaga. Omwogezi wa Poliisi mu Kampala, Recheal Kawala, agambye nti e Bweyogerere mu Central Zooni ne Wellspring Zooni nayo bakozeeyo ekikwekweto, ne bakwata 18 n'agamba nti bakyagenda mu maaso n'okufuuza abamenyi b'amateeka.